ENNYINGO - 10

OBULAMU E MAKEERERE

Obulamu bwabwe awamu n'abaana baabwe, nga bali e Makeerere, bulabibwa mu suula bbiri: esooka y'eyo ey'ebiseera ebyakulembera omwaka 1945 nga tebannawangangusibwa, nendala y'eyo ey'ebiseera ebyaddirira okuwangangusibwa.

10.1 Ebiseera byabwe nga tebanagenda mu Buwanganguse

Ebiseera by'obulamu bwabwe ebyasooka nga PK tanawangangusibwa byogerwako nga ebyali ebitangaavu, ebitaalimu bizibu byamaanyi. Gwe anti omulimu gweyaliko mu kiseera ekyo gwali gwa waggulu, ogwamusobozesanga okufuna ensimbi ezabayimirizangawo obutajulira kantu konna. Ebimu ku byava mu ekyo:

(1) Baalina emikwano mingi ddala mu maka gabwe, awamu ne ku kyalo e Makeerere. Ekimu ku bisingira dala obukulu kwe kuba nti baali emu ku mpagi luwaga mu Kanisa ye Makeerere. Ekyo kyabawanga omukisa okusembezanga mikwano gyabwe abaKristayo bangi ddala ku naku za Sande.

(2) Baasobola bulungi okukumaakuma abenganda zaabwe, abaana ba baganda baabwe awamu n'abenganda abalala. PK yasobola n'okugunjawo ekibiina ky'ekika ky'Endiga kye baayitanga BWEYAGALIRE. Abaliga bangi baakunganiranga mu maka ga Paulo ne Eseza Kiyingi e Makeerere ne bateesa ku bigatta ekika kyonna awamu n'okukulakulanya ekika kyabwe awatali kusosolagana. Mu byebaateesa mwe mwali n'okugula ettaka e Mengo bazimbeko office y'ekika ky'Endiga, era yagulibwa nakati kweyimiridde.

(3) PK yali memba mu kibiina ky'abegassi (Buganda Co-perative Society) ekyalina edduuka e Wandegeya, eryaddukanyizibwanga Daudi Musoke Mukubira ow'e Makeerere. Nga bayita mu duuka eryo, baasuubulanga ebyamaguzi ku miwendo egy'amakolero (*factory prices*) ate ne babyeguza ku miwendo emisaamusaamu.

(4) PK era yali musajja omwenkanya, atayagalanga bikolwa bya fujjo kukolebwa ku muntu yenna. Kino kyasinga okweyoleka ku baserikale Gavumenti beyali ereese e Makerere nga ebateekateeka okugenda okulwana mu Ssematalo Owokubiri (World War 2, 1939-1945). Abaserikale abo baalina emize emibi gye baakolanga ku bantu ababulijjo (*civilians*); nga bayingirira amaka gaabwe ne baagala bakyala babwe, ne bakwata abakazi n'abaana abato, ekyaviiramu n'okuleeta endwadde ez'obukaba nga wayirindi, birigoya, nziku, kabotongo nendala. PK teyalonzalonza n'abitegeeza Resident Buganda era n'amusaba obuyinza kulwa batuuze bonna bakkirizibwe okulwanyisa ebikolwa ebyo. Nga Resident amaze okumukkiriza, yateesa ne batuuze banne ne bakolawo akabiina aka potolo ne katandika okuyigganga abaserikale abo ekiro. Nga oyo asisinkanibwa nga tali mu nkambi yabwe, akwatibwa n'avunaanibwa. Ekyaddirira kwali kusengula baserikale abo kubajja Makeerere kubazza Kololo. N'ebirala bingi.

(5) PK yali omu ku abo abawerezanga amawulire g'Olutalo Ssematalo owokubiri (World War 2, 1939-1945) ku mizindaalo (*public loud speakers*) egyali e Wandegeya n'ebitundu ebirala ebyetoolodde Kampala. Olwokuba tewaaliwo kitongole kyamawulire kyetongodde, eby'amawulire agafa ku lutalo nga biddukanyizibwa mu office ya Resident Buganda, PK gyeyali akolera nga omuwandiisi omukulu.

10.2 Ebiseera ebyaddirira 1945 nga bavudde mu buwanganguse

Bulijjo buli lwewabawo enkyukakyuka ebivaamu oluusi biba birungi, oluusi bibi. PK ebyamuviira mu kuwangangusibwa tebyali birungi. Anti yasalawo okuleka omulimu gweyaliko ewa Resident Buganda. Wadde baali bamuyise addeyo, kyokka ye yagaana olwengeri mukamawe Resident gye yamunyiizaamu, bw'atamutegeeza nga bweyali agenda okukwatibwa, n'amusindika busindisi ku Police, ye PK kyeyayita okumulyamu olukwe. Yasalawo okusigala mu kyalo, afuuke omulimi ku ludda olumu. Ku ludda olulala asobole okugunjula abantu b'omu byalo mu nkola z'Abazungu, obukodyo n'obunnanfuusi bwabwe. Ettaka yalina, kyokka nga obulimibwe si bwa mutindo ogwa waggulu ogukozesa ebyuma nga tulakita ezirima n'ebirala. Bwatyo PK yafuna ebizibu bingi mu byenfuna, olw'ensonga nti yali teyetegekedde bulungi bulamu bwe bwa mumaaso. Egimu ku mitawana egyo gyeyoleka bwegiti:

(1) Okulabirira amaka abiri, age Makeerere n'age Bukatira.

Wadde yagezaako nyo nga bwasobola okulabirira amaka gabwe e Makeerere nga asinziira e Bukatira Bulemezi, nayo gyeyalina amaka, ebizibu tebyalema kubawo olwenfunaye etaalina musingi mugumu. Emmere yalimanga nyingi e Bukatira, naye okugituusa e Makeerere tekyalinga kyangu. Nga atera kukozesa bus za Sulemani Serwanga, ekintu ekyalimu ebizibuzibu ebimu n'ebirala. Emwanyi ne pamba, ebirime ebivaamu ensimbi, nabyo yagezaako nga bwasobola okubirima mu bungi. Naye nga tebivaamu nsimbi zimala kugula byetaagisa mu maka gombi, na kuwerere baana beyalina mu masomero mu kiseera ekyo nga yakava mu buwanganguse, ate era ne beyayongera okuzaala oluvanyuma.

(2) Okusoma kw'abaana be oluvanyuma lwa 1945

Obugagga obwaliwo e Makeerere awaka mu myaka egyakulembera 1945, bwe bwasenguka tebwadda. PK yasalawo okusigalira ddala mu kyalo e Bukatira alime, ye ENK n'asigala e Makeerere. Ekyo tekyakoma ku kukyusa mutindo gwa bulamu ogwali gubadde waggulu kuguzza wansi kwokka. Kyaleetera n'okuyiga kw'abaana baabwe okusanyalala. Singa tegaali magezi mangi gebaasala, oba olyawo abaana ba Mwoyo gwa Gwanga oyo tebaalimazeeko masomero, oba n'abamu kusobola kugenda mu masomero manene, amaatiikirivu mu Uganda. Tumaze okulaba nti waaliwo enkolagana eya maanyi mu lulyo lwa PK ne baana banne beyazaalibwa nabo, abe Mpigi ne Kyabbumba. Nga bwetwalabye PK yawererako ku bamu ku baana ba bagandabe awamu ne bazzukulu be, gamba nga Kosea Kalyesubula Senkayi mutabani wa muganda we Fenekansi Nkonge, Alice Janet Nalunkuma Bimbuze muzzukulu we ava mu Zakaliya Bosa, Paulo Kiyingi ne Edward Kiguli abaana ba muganda we Batulumayo Serunkuuma Aliddeki Mbizzi. Laba PK bwaba ali mu buwanganguse Eriazali Lwasi (ava mu Bapere) bwatolera Efulansi Miriam Nalugwa fees ezamuwererako okumala akabanga mu somero nga tannafumbirwa. Moses Semyano Kiyingi nga asoma e King's College Buddo, yawererwako Samwiri Kaggulire ow'e Namasinda eyamutoolera fees ze somero emirundi egiwera.

Damascus Kaggulire kitaawe ye yamuwerera. David Kulumba nga asoma e Bunnamwaya mu Aggrey Memorial School, yawererwako Erifazi Kagwa Kirimuttu. Athanus Bosa kitaawe ye yamuweerera.
Elizabeth Nakiyingi nyina ENK ye yasinga okumuwerera okuyita e Gayaza High School n'okweyongerayo. Esta Nabbosa nga naye asoma e Gayaza High School ne Ndejje Teacher Training College kitaawe ye yamuwereranga, nga ayambibwako wano na wali abalala nga Damascus Kaggulire.
Balubuuliza Kibuuka yawererwako Daudi Kulumba, naddala nga ali mu senior e Makeerere College School ne St Mary's College Kisubi. Samuel Lutalo yawererwa Damasiko Kaggulire nga ali e Lubiri Secondary School ne King's College Buddo. Kikuttobudde Sekkadde naye yawererwako mukulu we James Mpiima nga asoma e Makeerere Primary School, okutuusa Mpima lwe yafa mu 1966. Mu siniya
e King's College Buddo Daudi Kulumba ye yamuwerera okutuusa okumalako Senior 3/4, olwo n'afuna sikaala ya Gavumenti eyamumazisaako Higher (Senior 5&6). Margaret Nalugya ye yawererwa James Mpiima nga asoma e Makeerere Primary School ne Elizabeth Nakiyingi mu Senior.

Omwoyo ogwo ogwayamba abaana abo okuyita mu masomero nga ensimbi ziwedde ku bakadde baabwe gwebazibwa ne ssekwebazibwa, buli yenna eyagulina era n'agulaga awatali kwekaanya.

Omwoyo ogwo gwe gumu ku mpagi luwaga eziyimirizzaawo olulyo lwa Kiyingi nga ekitole.

Ku baana be bonna, bangi kubo baasomerako mu masomero ga ba Mwoyo Gwa Gwanga (1) Aggrey Memorial School, Bunamwaya, ne (2) Chwa II Memorial School, Namungoona, era be bano: Semyano, Kulumba, Nakiyingi, Kibuuka ne Lutalo, baasomerako mu Aggrey Memorial School. Bbosa ye yasomerako mu Chwa II Memorial School. Kyewunyisa nti abato ababiri abasembayo Sekkadde ne Nalugya bo teyabayisaako mu masomero ago. Mpozzi obwa Mwoyo Gwa Gwanga bwali butandise okumuggwamu, ensi nga bweyali ekyukakyuka nga esemberera okwefuga